Ssanyu

# Toto Festival 2025




Little Miss United World




Little Miss Uganda Ambassador



Abaana nga bali n'omuyimbi Darx Kartel, omu ku baasanyusizza mu Toto. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.

## Abato banyumiddwa

EBIFAANANYI BYA PATRICK KIBIRANGO NE MIRIAM NAMUTEBI

Bya PATRICK KIBIRANGO

ABATO banyumiddwa ekivvulu kyabwe ekya Toto Festival ekyabadde ku Kampala Parents' School e Naguru era abamu ne bavaayo nga bawanguzi.

Tracy Mbabazi, abadde mu Middle Class ku Grammar Nursery and P/S, yawangudde emitwalo 50 bwe yasinze banne mu mpaka z'amazina. Alisha Namulawa ye yamuddiridde n'awangula emitwalo 30 ate Rehema Namubiru mu kifo ekyokusatu n'afuna emitwalo 10.

Ekivvulu kya Toto kitegekebwa kkampuni ya *Vision Group* efulumya n'akatabo ka *Toto Magazine* nga kyateekeddwaamu ssente aba Ruparelia Group, Sumz, NIRA, Toyota, Pepsi ne Indomie.

Zaagenze okuwera ssaawa bbiri ez'oku makya ng'abazadde batuusizza abaana baabwe mu kifo kino ne banyumirwa obugaali, ebyesuubo, 'face painting ', okuvugwa ku mbalaasi, okuwuga, okukola ggogolo, n'ebirala. Bino byonna bakira bigenda mu maaso ng'abaabadde bakalabaalaba b'ekivvulu, Nankya Jommie ne Bruno Beti bwe bawa abantu 'vayibu'.

Akulira akatabo ka *Toto*, Grace Nampiima yeebazizza abazadde abaaleese abaana n'abasaba okukomawo n'omwaka ogujja.



Lorraine Tukahirwa akulira bakitunzi ba Vision Group (ku ddyo) ng'akwasa omwana Tracy Mbabazi ssente 500,000/-



Bano baabadde ku mbalaasi.



Abato nga batema ddansi.

AMAWULIRE: ABAVANDIMWE BASAZEEWO KU KALULU 2026 - P8